

P360/2

LUGANDA

Paper 2

3 Hours

EXTERNAL MOCK EXAMINATIONS - 2019

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA P360/2

(Okukyusa, Okuwandiika emboozi, Okusoma bwino n'okufunza)

OLUPAPULA OLWOKWOBIRI

Essaawa Ssatu

Ebiragiro:

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina: **A, B, C ne D.**
- Ebitundu **A, C ne D** bya buwaze.
- Mu kitundu **B** oweereddwa ebyokulondako by'oyagala okuddamu.
- Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.

EKITUNDU A
Ddamu 1(a) ne 1(b)

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu luganda.

Pregnancy may affect women with epilepsy differently. These women also tend to have a higher risk of pregnancy related complications than those without epilepsy, high blood pressure and swelling of feet usually occurring after 20 weeks of pregnancy.

Babies of mothers who have epilepsy have a higher risk of being born dead or premature with a possibility of developing epilepsy when they get older. The drugs of epilepsy may affect the baby therefore such women intending to get pregnant require proper evaluation or even change of medication before or during pregnancy by a specialist in this field.

If the cause is found and removed, (say a brain swelling), epilepsy may be cured. Therefore you have to adhere to your doctor's advice and take your drugs appropriately (Extracted from the Daily monitor Thursday, June 19, 2003)

- (b) Kyusa ekitundu kino okizze mu luzungu.

ABAYIZI BA SSINIYA EYOOKUNA BASIIBULA ESSOMERO

Ekyasooka ku lukalala lwe lukuŋaana lw'abayizi olwafuuka olukyasinze okuba olw'ebbugumu, essomero lye lubadde nalwo omwaka guno.

Abayizi baakooka: Emirembe gijja ne gigenda. Ennonda y'ennyimba zaabwe yeewuunyisa nnyo abayizi bona be baali balese mu ssomero olw'okuba nti baali kibiina ekyeffujjo.

Eky'amazima buli lwe baalangiriranga ekyali kigenda okuddako. Omuyizi omu yeyagendanga mu maaso n'okuleekaana nti "Kaawonawo" kubanga ye yali amanyi nti kye kika ky'enyimba kye baali balina okukuba.

Bo abayizi baali basasudde sente ezaawera shs. 50,000/- era zino zamenyebwa menyebwa bweziti: sh. 20,000 zaali za mmere n'eb yokunywa, sh. 10,000 za muziki ate ezaali zisigaddewo zaali zakukozesa mu byakwesanyusa. (Kiggyiddwa mu Bukedde Iwakubiri Museenene, 13, 2019 n'okukyusamu okutonotono)

EKITUNDU B
Kola 2(a) oba 2(b)

2. (a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikekeko emboozzi ya bigambo 300 – 400. **(Buli mutwe gwa bубонеро 30)**

- (i) Twalya ne tusindisa nebigere.
- (ii) Eteefe
- (iii) Booda booda zisaana kuwerebwa mu kibuga.
- (iv) Eby'obulimi bisaanye biweebwe omutemwa oguwera mu mbalirira y'eggwanga

Oba

- (b) Ku mitwe egikuweereddwa londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko embooz
nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe gwa buponero 15)
- (i) Wandiika omuko mu mawulire ng'olaga ensonga ezivuddeko
okwekalakaasa okucaase ennyo ensangi zino.
 - (ii) Wandiika ekirowoozo ky'omukunqanya mu lupapaula lw'amawulire
ng'olaga engeri obutonde bw'ensi gye busaanyizibwawo ensangi zino.
 - (iii) Ekiro mwazindiddwa ababbi era abamu ku bo wabeetegerezza. Wandiika
sitamenti ya poliisi.
 - (iv) Olondeddwa okuyita omugenyi omukulu ku mukolo ogwamattikira ga
mugandawo eyakubye omusomo oluku mu mutwe. Wandiika
by'onooyogera.

EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

(Obubonero 20)

Olukiiko olufuzi olw'ekitongole ekya UNESCO lwateesa mu 1998 nti wasaanidde wassibwewo akakiiko akanaawanga ekitongole ekyo amagezi ku bikwata ku nnimi ennyingi n'okuyigirizibwa okuli mu nnimi enzaliranwa oba ennansi gattako, okukuma n'okukuza nnimi ezo n'ebi'obuwangwa eby'enjawulo mu nsi zinnakibiina. Bwatyo secretary general yasabibwa asseewo akakiiko ako, nga kaliko abantu kkumi na babiri be yalonda okuva mu nkalu (continents) z'ensi yonna mu Africa yalondayo abakiise babiri ng'ava munsi ezoogera olufaransa. Kamwakoogera gwe yalonda mu nsi z'Africa ezogera olungereza.

Ababaka b'akakiiko ako akawi k'amagezi baalondebwa okusinziira ku bukugu n'obumanyirivu bwe balina mu bintu, ebitali bimu ebikwatagana n'ebiyennimi n'ebi'obuwangwa n'okusingira ddala ku nnimi ennyingi era n'okuyigirizibwa okwesigamiziddwa ku nnimi ezo. Kwe kugamba, ng'omwana asomesebwa mu nnimi bbiri oba okusingawo.

Akakiiko kano ke kawa ekitongole ekyo amagezi ku ngeri gye kiyinza okuteekateeka n'okussa mu nkola pulogulaamu zaakyo ezikwata ku kukuuma n'okukulaakulanya eby'enjigiriza eby'esigamiziddwa ku nnimi ennyingi era nengeri yokussa ekitiibwa mu nnimi ennyingi n'ebi'obuwangwa ebingi. Era akaakiiko kano ke kaawa amagezi ku bukulu n'omugaso oguli mu kukuuma nnimi ezoogerwa abantu abatono zireme kusaanawo. Era kawa amagezi ku byuma ebyempuliziganya era n'enkozesza yaabyo mu by'empuliziganya, ebyuma nga computer, internet n'ebirala.

Ku ludda lw'ebyenjigiriza kizuuliddwa ng'olulimi oluzaaliranwa lwe lusingira ddala obulungi mu by'obusuubuzi, mu by'obufuzi, mu maka ne mu ddiini n'olwekyo olulimi luno lwe lunnyonyola obulungi era mu bujuvu ebikwata ku bulamu obwa bulijjo era n'ebyobuwangwa. Ebirowoozo by'omwana n'okutetenkanya bikula mangu nnyo , bwatandikira mu lulimi lwe okusoma.

Akakiiko aka bwe kamala okulondebwa mu 1998, kaatuula mu Spain mu kibuga Barcelona mu ggwanga lya Catalonia ne kakola ekirangiriyo kya UNESCO ekikwata ku ddembe ly'obuntu ery'obwebange ku lulimi n'ebyobuwangwa. Ekirangiriyo kino twakyesigamya ku kirangiriyo ky'amawanga amagatte (UNO) ekyafuluma mu 1948 ekikwata ku ddembe ly'omuntu ery'obwebange okutwalira awamu. Omulamwa ogusookera ddala ogw'ekirangiriyo kyaffe kino gugamba nti "olulimi ky'kintu ekinnyonnyola oba ekiraga omuntu kyali era ekiraga eggwanga lye olulimi lufaanana ng'ebiwandiiko omuntu byatambula n'abyo ebimwogerako gamba ppasipoota oba kkaada, oba ttikit y'omusolo.

Olw'obukulu bw'ensonga eno ey'ebyonuwangwa, ekibiina kyolulimi oluganda kyegayirira abazadde n'amasomero naddala aga pulayimale muyigirize abaana bammwe eby'obuwangwa byabwe. Ate nze ng'omubaka akiikirira Africa yonna ku lukiiko olwo olw'ensi yonna. Oluvunanyizibwa ku by'ennimi n'eby'obuwangwa, nsaba amawanga gonna aga Yuganda gakole ekintu kye kimu. Kino kye kijja okuzaawo emirembe mu Yuganda. Abaana bwe batamanya byabuwangwa byabwe tebasobola kussa kitibwa mu byabuwangwa bya bannabwe n'ekivaamu z'entalo ezitakoma.

Edda omuzadde yabanga n'ekyoto kweayayigirizanga abaana be ebyobuwangwa byaffe ngayita mu ngero ne mu nfumo n'ebitontome. Ebyembi ebyoto ebyo amasomero gaabidibya. Abaana tebakyabeera na bazadde baabwe kiseera kiwera basing kubeera mu masomero.

N'olwekyo amasomero kati by'ebyoto. Abasomesa tubeegayirira munyumize abaana engero ezirimu eby'okuyiga.

Ebibuuzo:

- (a) Akakiiko akaateekebwawo kalina bukulu ki eri ekitongole kya UNESCO? (obubonero 2)
- (b) Omuwandiisi awadde ekikolo n'eddagala ku kuzaawo emirembe mu ggwanga Yuganda. Nnyonnyola. (obubonero 3)
- (c) Laga omugaso gw'ebi'obuwangwa ng'omuwandiisi bw'agulaze. (obubonero 5)
- (d) Olulimi oluzaaliranwa lwaki lwe lukira? (obubonero 8)

(e) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu kino.

- nkalu
- kamwakoogera
- ery'obwebange
- n'okutetenkanya

(Obubonero 5)

EKITUNDU D

4. (a) Funza ekitundu kino mu bigambo nga 80.

(Obubonero 20)

Nandikkiriziganyiza n'abo abagamba nti ensi egudde eddalu kuba mu mazima ebikolebwa ensangi zino tebiraga buntu bulamu; mu mazima bya kiralu byereere ebikwasa ku ttama ate nga biyungula amaziga. Si mukulu, si muto, buli omu ky'asanga kye yekolera.

Tekyawulirwanga nti omukazi azaala omwana n'amusuula! Naye kati maama okusuula abaana gwafuuka mugano nga gwa nswa. Abamu babasuula mu binnya, abalala mu babasibira mu nju ne baleka omwo ne beetambulira, tebalina gasumbukana na baana!

Okusaddaaka ennakku zino kukolebwa kifuulannenge era nga mu butuufu si kusaddaaka kuli kwe tumanyi, naye kuno kutirimbulu bantu. Ng'oggyeeko Yibulayimu ayogerwako mu bitabo ebitukuvu eyali agenda okusaddaaka semayiri naye Omukama n'amuwa endiga teri akkirizibwa kusaddaka bantu. Tusaddaka bisolo. Naye ennakku zino ekikolebwa kikyamu eryo si ddalu!

Ensangi zinoabantu ensonyi zibawedde ku maaso: olwo obuseegu ne bwegasanya nnyini okukamala. Kati abaana n'abakazi bakwatibwa ntakera nga baba tunuza mu mbuga ya sitaani olumu nno kitaawe w'omwana y'ennyini y'amwekwatira. Wulira ensonyi! Waliwo abazina ebimansulo n'osanga ng'ate abasasula balabe emisege balwana; Si kulwa ng'ebifo bibaggwako. Ezo entambi z'obuwemu sibalaba; mpitirivu nnyo; kafukunya ddala ng'akaagula Mukono.

Obufumbo bwa leero bwa kiyitamuluggyga, kyokka ate ng'okubufuna buzibu olw'omusimbi omungi gw'oba olina okuyiwayiwa omuwala eyafumbiddwa leero enkyia omusanga abuuse na mulala. Bw'amalayo omwaka ng'oyo mufumbi. Obufumbo bwa mbirigo; bwa bibuuzo, teri kuwaqñana kitibwa oli bw'abuwangaaza bamuyita mulogo awedde emirimu atazannyirwako.

Obufere n'obubbu kati be baana baliwo era bukyase nnyo. Omuntu yeefuula akumanyi era mukwano gwo kozzi agenda kukubba. Jjuzi wano mu kisiibo ky'Abakatoliki, Faaza yawonera watono okumubba! Musajja wattu aba atambula n'asanga omubbi. Ko omubbi nti "Wanika, emikono; leeta buli ky'olina,. "Faaza aba awanika emikono omubbi nalaba akatogi akeeru ne yekanga kuba yali musomi. Yamubuuza nti, "Oli Faaza?" Ko Faaza nti "Yee" ko omubbi nti, "Kale genda nkusonyiye" Bambi Faaza ate n'afuna ekisa n'amuwa olukumi agulemu sigala. Omanyi omubbi bye yagamba Faaza? "Aaa nedda; tonkozesi kibi sinywa sigala mu kisiibo. Ssente zo zireke" kati olwo ne weebuuza nti okubba kwe kukkirizibwa mu kisiibo? Eryo si lye ddalu? Kitalo nnyo! Mugire twesabire tukendeeze, ku ddalu lino si kulwa nga tufuuka ebisassalala.

BIKOMYE WANO